**05th June 2016.**

# ENTANDIKWA Z'ENNIMI; OBUYINZA BWA MUKAMA KATONDA.

**Lubereberye 11.**

Mu kitabo kyaffe eky'olubereberye, era kye tumanyi ng'eky'entandikwa, nga tumaliriza ekitundu ekikulu ekisooka, tuyingizibwa mu ky'okubiri ekirina essira ku Ibulaamu oba Ibulayimu, Jjajja w'abakkiriza, era mukwano gwa Mukama, leero tulaba bwe gwaali, entandikwa z'ennimi ez'enjawulo, n'enkozesa y'ebigambo ebyawufu mu mpuliziganya z'entabagana z'abantu ab'enjawulo.
Nga twaakalaba entandikwa z'amawanga nga bwe gwaali omulundi oguwedde, nate leero tulaba entandikwa z'ennimi ezaggya oluvannyuma lwa Mukama Katonda okugootaanya enteekateeka z'abaali bamujeemera, nga baagala okumwegulumirizaako.
[*Tusome lnny.1 – 9*]

Kiteeberezebwa nti waliwo ennimi ezisoba mu kakaaga mu nsi yonna ezikozesebwa abantu era ng'ezo zikula n'enyongera y'ebigambo ebipya ebikozesebwa ne mu nnimi zennyini ezikozesebwa abazoogera….(slang).

Tulaba nate nti obujeemu bwa mirundi esatu eri Mukama obuleetedde ensi enkyuukakyuuka ssinziggu, olw'okusalwa kw'omusango ku bbwo. Ekibi mu ssuula 3, Obugweenyufu mu ssuula 6, n'okwegulumiza era okwekulumbaza ku Mukama mu ssuula eno 11.

Wadde baayiiya butole okkola ekyaali tekiziyizibwe muntu yenna, Mukama ye yalina eky'okuddamu eky'enkomeredde. Ye yalina obuyinza obw'enkomeredde eri buli nsonga ku nsi, ekikakasa obwa Katonda bwe era Obukama bwe eri buli kimu, ekimugwaanidde ekitiibwa n'etendo byagwaanidde.

Baayagala omunaala gw'ekibuga okkoma mu ggulu, b'enkanenkane ne Katonda.
Baayagala beekolere erinnya mw'ekyo. Mukama yekka ye yeekolera erinnya eritaliggwaawo, mu Kuva. (Isa.63:12; Nek.9:10)

Baayagala baleme kusaasaanyizibwa kwaala kujjuza nsi nga bwe baali balagiddwa. Byonna byaagwa butaka……….

Bwe tusoma olukalala olulala lw'obuzaaliranwa bwa Ibulaamu, kitugwaanidde okutegeera ensonga y'ensigo eyeetaagwa Mukama okutuukirizaamu ekisuubizo kye ky'okulokola ensi n'abantu be yagitondera.
[*Tusome lnny.10 -32*].

Na bwekityo tweebaza Mukama nti mu kuggya kw'Omwooyo Omutukuvu, obumu bwaleetwaawo amaanyi ga Mukama okutandika eggwanga lye eddonde mu Yesu Kristo abalina okwagalana n'omukwano ogutalinaamu njawukana zonna wakati w'abaana ba bantu.
Abagalattiya 3:28,29 bwe zigamba ku byawandiikibwa bya leero nti "Tewali Muyudaaya, newakubadde Omuyonaani, tewali muddu newakubadde ow'eddembe, tewali musajja na mukazi: kubanga mmwe mwenna muli omu mu Kristo Yesu. Era mmwe bwe muli aba Kristo, kale muli zzadde lya Ibulayimu, era muli basika ng'okusuubiza bwe kwali.

Kye tweebaliza ennyo Mukama nga tusembera leero ku mmeeza ye.